Ababaka ba Paalamenti nga bali mu lutuula olwakubirizibwa Sipiika Anita Among.

PAALAMENTI EYISIZZA AMATEEKA 23 MU MWAKA GUMU

Bya MUWANDIISI WAFFE

EMIRIMU gya Paalamenti ye 11 gyatandika n'okulayira kw'ababaka okwamala omuka lwa ennya okuva nga May 17, 2021.

Ababaka bonna wamu awatali kufa ku njawukana mu byobufuzi, baasuubiza okusoosowaza ebiruubirirwa bya Bannayuganda n'ebibakwatako.

Enkyukakyuuka zaatandikira ku kulonda Jacob Oulanyah (Omoro) ku Bwaspiijika ne Annet Anita Among (mukazi : Bukedea) ku bumyuuka bwa Sipiika nga May 24, 2021.

Akakiiko akasunsula nga kakuliriwa omulamuzi Sipiika Among kaasaba abaali balondedwa basuubize bwe bagenda okuleeta enjawulo mu mirimu egyali gibawereddwa, bwe baali tebannakakasibwa.

Omwaka ogusooka ogwa Paalamenti ey'e 11 we gwaggweeredeko ng'amateeka 23 agakwata ku nsonga eziruma eggwanga gayisiddwa. Olw'okuba nga Paalamenti eno ebaddamu ng'eggwanga likyali mu muggalo olwa Ssenyiga omukambwe, obulwadde n'okufa kw'omu ku Sipiika Jacob Oulanyah, okuba nga bayisizza amateeka 23 kyeragirawo nti, bakoze omulimu gwa tiendo.

ENZIRUKANYA Y'ENNONGOOSEREZA MU MATEEKA ETA 2021

Nga October 5, 2021, Paalamenti yayisa eteeka ly'enzirukanya ya Paalamenti ery'ennongoosereza.

Akatundu 2(2) mwakolebwamu ennongoosereza omumyuuka wa sipiika n'ateekebwa ku lukiiko olufuzi ofw'akakiiko ka Paalamenti akayiibwa 'Parliamentary Commission'.

Kino kituddama n'ennyingo ya 82 ey'Omu Ssemateeka erambika obuyinza bwa sipiika n'omumyuuka we. Akakiiko akafuu aka Paalamenti akayiibwa 'Parliamentary Commission' mu kisseera kino katululako Sipiika, omumyuuka wa sipiika, akulira oludda oluvuganya, minisita w'ebyensimbi, bakaminsona basatu aba NRM ne kaminsona omu alondebwa ekibiina k'oludda oluvuganya ekisinza ababaka.

ETTEEKA LYA NSSF, 2021 EBOONGOSEEMU

Ababaka baajaganya nga Paalamenti eyisizza ennongooseza mu teeka erifuga ekitavuvu ky'abakozi ba gavumenti ekya NSSF nga November 24, 2021.

Okuva mu April wa 2020, waaliwo akazito ku gavumenti ne Paalamenti ng'abakozi abateeka mu NSSF baagala baweebwe ku ssente zaabwe beekulaakulanye olw'okuba baali bakoseddwa nnyo Ssemyiga omukambwe.

Olubanyanya lw'okuyisa ennongoosereza zino, eyakubirizza Paalamenti, Jacob Oulanyah yategeeza nga bwe yali assizza ekikkowe kuba abantu baamuli buli okuyisa eteeka.

BIRAZE KU P12

15 Emirimu emirala egikoleddwa Paalamenti

14 Akulira oludda oluvuganya yalaga entegeka nnamutaayiika ey'emirimu

BIVUDDE KU P11

Eteeka lino oluvanyuma pulezidenti lye yassaako omukono lyasobozesa abakozi abawezeza emyaka 45 nga babadde bateeka okumala emyaka 10 okuwezwa ebintundu 20 ku 100 ku ssente zaabwe. Ate ababo obulemu abaweza emyaka 40 n'okuwongezeryo bakkirizibwa okuggyayo ebintundu 50 ku 100.

Oluvanyuma bw'enteeseganya wakati w'obukulembeze bwa NRM n'aboluddu oluvuganya mu December wa 2021, Paalamenti yayisa amateeka ga gamuddi esatu agakwata ku mafuta okuli erikwana ku kkampuni y'omudumu gw'amafuta ogw'obuvanjuba bwa Afrika (East African Crude Oil Pipeline (EACOP) bill), ery'enzirukanya ya ssente za gavumenti (The Public Finance Management Amendment bill) n'erikwata ku misolo ku nyingiza (Income Tax Amendment bill). Amateeka gonsattule gaali makulu nnyo okusoboresa ekusima amafuta mu Uganda.

ETTEEKA KU KKAMPUNI Y'OMUDUMU GW'AMAFUTA OGW'OBUVANJUBA BWA AFRIKA 2021

Nga December 9, 2021 Paalamenti yayisa eteeka lino (East African Crude Oil Pipeline (EACOP) bill 2021 nga ke kaali akakwakkulizo akaali kasigalidde okukola Ekampuni ya East African Crude Oil Pipeline (EACOP).

Abalina emigabo mu kkampuni kuliko; Total Energies eya Bufalansa n'emigabo 62 ku 100, Uganda National Oil Company ku migabo 15 ku 100, Tanzania Petroleum Development Corporation ku migabo 15 ku 100 ne China National Offshore Oil Company (CNOOC) emigabo 8 ku 100.

Omulimu gw'okuzimba omudumu gw'amafuta gusuubirwa okuwemmenta bbiriyooni za Doolla za Amerika 3.5 nga zino 60 ku 100 zijja kuva mu Omwaka ogusooka ogwa Paalamenti ey'e 11 we gwaggweeredeko ng'amateeka 23 agakwata ku nsonga eziruma eggwanga gayisiddwa. Olw'okuba nga Paalamenti eno ebaddamu ng'eggwanga likyali mu muggalo olwa Ssenyiga omukambwe, obulwadde n'okufa kw'omu ku sipiika Jacob Oulanyah, okuba nga bayisizza amateeka 23 kyeragirawo nti, bakoze omulimu gwa tiendo.

ENZIRUKANYA Y'ENNONGOOSEREZA MU MATEEKA ETA 2021

Nga October 5, 2021, Paalamenti yayisa eteeka ly'enzirukanya ya Paalamenti ery'ennongoosereza.

Akatundu 2(2) mwakolebwamu ennongoosereza omumyuuka wa sipiika n'ateekebwa ku lukiiko olufuzi ofw'akakiiko ka Paalamenti akayiibwa 'Parliamentary Commission'.

Kino kituddama n'ennyingo ya 82 ey'Omu Ssemateeka erambika obuyinza bwa sipiika n'omumyuuka we. Akakiiko akafuu aka Paalamenti akayiibwa 'Parliamentary Commission' mu kisseera kino katululako Sipiika, omumyuuka wa sipiika, akulira oludda oluvuganya, minisita w'ebyensimbi, bakaminsona basatu aba NRM ne kaminsona omu alondebwa ekibiina k'oludda oluvuganya ekisinza ababaka.

ETTEEKA LYA NSSF, 2021 EBOONGOSEEMU

Ababaka baajaganya nga Paalamenti eyisizza ennongooseza mu teeka erifuga ekitavuvu ky'abakozi ba gavumenti ekya NSSF nga November 24, 2021.

Okuva mu April wa 2020, waaliwo akazito ku gavumenti ne Paalamenti ng'abakozi abateeka mu NSSF baagala baweebwe ku ssente zaabwe beekulaakulanye olw'okuba baali bakoseddwa nnyo Ssemyiga omukambwe.

Oluvanyuma lw'okuyisa ennongoosereza zino, eyakubirizza Paalamenti, Jacob Oulanyah yategeeza nga bwe yali assizza ekikkowe kuba abantu baamuli buli okuyisa eteeka.

BIRAZE KU P12

ENNONGOOSEREZA MU TEEKA RU KZIRUKANYA YA SSENTE ZA GAVUMENTI, 2021

Ku lunaku lwe lumu olwa December 14, 2021, ennongoosereza mu teeka ly'enzirukanya ya ssente za gavumenti (The Public Finance Management (Amendment Bill) zaayisibwa eteeka lino ne ly'isibwa Paalamenti. Eteeka lino lyalambika engeri endagaano ezikwata ku ssente z'amafuta gye zirina okukuwatibwamu.

Eteeka lyaweebwa ekiragiro kkampuni ya Uganda National Oil Company (UNOC) okusoloza ssente zonna eziva mu mafuta bazikozese okussula kkampuni z'amafuta ssente ze ziba zisasaasanyizza ezirina okubaddizibwa nga tekibeetagisiddwa kutuusa lukusa lwa Paalamenti okukola kino.

Olwo ezitba zisigaddewo baziteeke ku akawunti ya ssente z'amafuta eya Petroleum Fund erabirirwa minisitule y'ebyensimbi.

Ekyagendererwa kwe kusoboresa kkampuni ya UNOC okwanguya emirimu gy'okusasula kkampuni ezassa ensimbi mu by'okusima amafuta.

ETTEEKA LYA BALANDIIROODI N'KABAPANGISA ERYA 2021

Nga February 1, 2022, Paalamenti yateesa era n'eyisa eteeteka ly'obupangisa (Landlord and Tenant bill, 2021), nga mulimu obuwayiro obulunyamya enkokoganza y'omupangisa ne Landiroodi n'engeri gye basobola okumalawo obutakkanya nga bubadde buzzeewo.

Eteeka era lyagenderera okunywereza eteeka ly'obupangisa ku kupangisa ebizimbe n'okulambika obuvunaanyizibwa bwa balandiroodi n'abapangisa.

Nannyini nnyumba yaweebwa obuyinza okuyingira emyumba ye sibuna aba tasuulwa n'atwala ekyobugagga kyonna nga yeesasula olw'ebbanja ly'omupangisa.

ETTEEKA KU KUSIMA EFYOBUUGAGGA EBY'OMU TTAKA, 2021

Nga February 17, 2022, Paalamenti ng'ekolera okulunyamizibwa kw'akakiiko akakola ku byobugagga eby'omu ttaka yayisa eteeteka erikwata ku byobugagga obw'omu ttaka n'okubusima (Mining and Minerals bill, 2021).

Ekimu ku byalimu kwe kuwa abantu baabuliijio abakozesa emikono olukusa okuyikuula ebyobugagga nabo basigale mu bizinensi eno. Baaweebwa olukusa lw'okusaba layisinsi nga bwe kiri mu nsi endala, nabo bavuganye mu bwerufu mu mulimu guno, ekitabaddeewo.

Eteeka lino lya mugaso eri eggwanga olw'okuba eky'obugagga kya zaabu kyayisa ebyobulambuzi n'emmwanyi ng'ekyobugagga eksinga okuyingiza ssente okuva ebweru kuba ayingiza obukadde bwa doola za Amerika 180 (bbiriyooni 648 mu za Uganda) buli mwezi.

Eteeka ly'ebyobugagga kabanti baabuliijio abasima ebyobugagga eby'omu ttaka, okubawa olukusa n'okubakulaakulanya. gavumenti ey'ebitundu okuli disitulikiti omusimwa ebyobugagga nazo zaaweebwa omugaso ogw'amaanyi gwa bitundu 15 ku 100 ku ssente ezivamu.

Gavumenti ya wakati yaakutwalanga ebintundu 70 ku buli 100, eggombolola ebintundu 10 ku buli 100 ate nannyini ttaka agabane ebintundu 5 ku buli 100.

Paalamenti erina obuwaayiro bwe yagaana, gavumenti bwe yali etadde mu teeka nga okutondawo ekitongole eky'enjawulo ekikuuma ebyobugagga awamu n'okufuula ebizimbisibwa nga omusenyu ekyobugagga ely'omu ttaka.

ENNONGOOSEREZA MU TEEKA EY'OMUSIMA, 2022

Nga February 8, 2022, Paalamenti yayisa eteeka ly'obusika ekkadde ly'obufumbo obutaliwo (Succession Amendment bill), eriwa kyenkanyi omukisa abakazi n'abasaija bbe kituuka mu kusikira ebyobugagga bya bazadde baabwe.

Ekyo'omwana azaaliddwa ebbali w'obufumbo obutongole okukumuyita omwana atali mu mateeka kyaggyibwa mu teeka ne kifuulibwa nti, abaana bonna baba benkana si nsonga maama we y'ani, okuggyawo okusosola mu baana.

Kyaddirira kkooti etaputa Ssemateeka okusalawo mu 2007 nti, kibeera kikyamu okuyita omwana azaaliddwa ebbali w'empeta omwana atali mu mateeka. Omusango gwali gwaloopwa ekibina ky'abakyala ekya Law Advocacy for Women in Uganda.

Kkooti yasalawo nti, eteeka ly'obusika ekkadde lyalimu obutundu bungi obusosola mu kikula ky'abantu. Ekitundu 2(n) (i) ekinnyonnyola amakulu g'omusika mu mateeka kyali kiraga nti, omusika omusajja yalina enkizo ku mukazi.

Ekitundu 27 eky'eteeteka kyali kiraga nti, eby'obusika birina kugabanyizibwa mu balenzi bokka era kiva kyagwawaddwa mu musango ogwazzibwa aba Advocacy for Women in Uganda nga kati eteeka eritwo lizingiramu abawala n'abalenzi mu byobusika.

ETTEEKA LY'OBUTALE, 2021

Nga February 15, 2022 Paalamenti yayisa eteeteka ly'obutale (Markets bill, 2021), ettunnyanya erutunkanya y'obutale. Omulamuzi w'abakozi, Margaret Bwabushaija ye yaleeta eteeteka lino lisiibe eteeteka ly'obutale eryaliwo ekkadde erya 1942.

Eteeteka lirunnyamya engeri alatale gye kalina okuntondebwaze, enzirukanya era n'abantu baabuliijio ne baweebwa olukusa okutandikawo obutale bw'obwannannyini, ensasula y'empooza n'obukulembeze bw'obutale.

Minisita wa gavumenti ezzebitundu, Raphael Magyezi yategeeza Paalamenti nga gavumenti bw'ewagira eteeteka eryali lireeteddwa Rwabushaija era nga baali bakwatagaanye wamu okulaba nga libagibwa bulungi.

Paalamenti nga bwefaanana mu Kampala. Abakulembeze mu Paalamenti baagala okulaba ng'emirimu gikolebwako mu bwangu.

Paalamenti y'e 11

ENNONGOOSEREZA MU TTEEKA LY'AMASANNYALAZE, 2022

Nga April 14, 2022, Paalamenti yayisa ennongoosereza mu nteeka ly'amasannyalaze (Electricity Amendment bill), 2022, nga lye limu ku mateeka agaali gabagaddwa gavumenti.

Eteeka lissaawo ebisanja ku batuula ku lukiiko olufuzi olufuga amasannyalaze (Electricity Regulatory Authority), okwongera ku buyinza bw'ekitongole, okwongera ku bungi bwa ssente eziweebwa ekitongole okuva ku butundu 0.3 ku buli 100 okutuuka ku 0.7 ku buli 100 nga zino ssente ziva mu masannyalaze agakolebwa.

Eteeka liwa ebibonerezo ebikaali eri abantu ababba n'okwonoona ebyamasannyalaze.

Aba minisitule y'amasannyalaze baategeeza nti, emangwaku zaagenderewamu okwongera okutereeza entambula y'emirimu.

Okuva eteeka ekkadde bwe lyakolebwa emyaka 23 egiyise mu 1999, ebintu bingi ebizze bikyuuka ebirina okunogerwa eddagala.

Okuva ku ntaddwa, sipiika Among azze akubiriza Ababaka okwekenneneeya obulungi amateeka g'emirimu gya Paalamenti nga bagikwata mu ngeri y'obuvunaanyizibwa.

Nga February 2, 2022, Among yawa nsalessale eri abaliko bwonna obwali bulina amateeka ge batanaba kumalirira buweeyo lipoot obutasukka February 11, 2022.

Wadde ng'eteeka liwa akakiiko ennaku 45 okwekenneeranga ebbago ly'eteeteka, kyokka Paalamenti emkadde eyazzaa taalina omuze gw'okuwisaayo amateeka agamu ne gaweza n'omwaka okugamalirira.

Obukulembeze obupya obwaddamenti kino bwakikyuusa bwe bwateekawo enkola y'okuteeseganya wakati wa gavumenti n'oludda oluvuganya ku nsonga yonna era kibaymbye okutuuka ku nzikiririzganya ku nsonga eziwerako ku lw'obulungi bw'eggwanga.

Kyokka kirina okuterageerekera nti, amateeka 12 Paalamenti ge yapisa pulesidenti tannaba kugassako mukono kutandika kukola. Omuli okuvuuba ebyennyanja ebingi ng'akatale tekabimalaawo,ekiddo ekimera ku nnyanja, ssente entono ezitekebwa mu byobuvubi, okusoomooza okwa bbiriyoni ly'amasannyalaze erya Bujagali Power Project okumala emyaka emirala 5.

Ku kino Paalamenti yasalawo okusonyiwa kkampuni eno omusolo gwa mwaka gumu ng'okunoonyereza ku nkola yaayo ey'emirimu bwe kugendaki mu maaso.

Sipiika wa Paalamenti, Anita Among, yateekawo akakiiko ak'enjawulo okunoonyereza ku kkampuni eno eya Bujagali Power Project nga kakulira omubaka wa Sheema Munisipaali, Dickson Kateshumbwa. Mu babaka abalala balukiko; Paul Omara (IND, Otuke), Karim Masaba (IND, Mbale Industrial Division East), Nathan Nandala-Mafabi (FDC, wa ssaza lya Budadiri West), Loy Katali (NUP, mukazi, Disitulikiti ye'e linia), Herbert Tayebwa (NRM, Kashongi County), Faith Nakut (NRM, mukazi, Disitulikiti ya Napak), Esther Afoyochan (NRM, mukazi, Disitulikiti ya Zombo) ne Muhammad Muwanga Kivumbi (NUP, Butambala).

Paalamenti erina okutya nti newankubadde Gavumenti eddde ssente nyingi mu bbiriro ly'amasannyalaze erya Bujagali, kkampuni eno esigadde esoloza ssente nnyingi ku bantu abakozesa amasannyalaze. Palamenti yakkanya ne Gavumenti ku kiteeso ky'okukola ennongoosereza ku musolo gw'obupangisa okukendeeza ku bisale ebizziggibwako ng'omusolo tegunnasalwako.

Gye byagoweera nga basazeewo nti ku kkampuni ezeetengeredde omusolo ku bupangisa gave ku 25 ku 100 gudde ku 15 ku 100 ng'oggyeeko ensasaansya ya bitundu 50 ku 100.

Minisitule y'ebyensimbi yannyonnyola nti mu kutsolako ssente ezimeza ebitundu 50 ku 100, Gavumenti egenda kwongera ku musolo gw'ekung'aanya naddala okuva mu kkampuni ezibadde zezkwese mu kya ssente entono ezisasaanyizibwa olwo nazo ne ziryoka ziwa omusolo omutono. Paalamenti era yagaana okiteeso kya Gavumenti ey'okukola ennongooseref mu teeka ly'Traffic and Road Safety (Amendment) Bill, 2022 ey'okukendeeza ku myaka ku mmotoka ezinyigira mu Uganda okuva ku myaka 15 okudda ku myaka 9.

BIRAZE KU P14

AMATEEKA G'ABABAKA SSEKINNOOMU AGAKYAKOLWAKO

Ababaka 12, Paalamenti yabawa okuusa lw'okuleeta amateeka ge beekoledde nga bo. Agamu ku mateeka agali mu kubaglibwa kuliko:

- Ery'okuzaalira omuntu omulala n'okuyambibwako okuzaala mu ngeri ey'ekikugu, 2021 (The Surrogacy and Assisted Reproductive Technology bill, 2021)eryaleetebwa omubaka omukazi owa Tororo, Sarah Opendi.
- Ennongoosereza mu Ssemateeka (The Constitutional Amendment bill) ery'omubaka w'e Kibanda South, Jacob Karubanga.
- Erikwata ku nzirukanya y'amakolero ne kkampuni za gavumenti (The Public Enterprise Reform and Divestiture (repeal) bill)
- N'erikwata ku nnongoosereza mu Ssemateeka (The Constitution Amendment Bill) agaleetebwa omubaka w'e Igara East, Michael Mawanda.
- N'erikwata ku mugabo gwa bannansi n'eggwanga mu mirimu gy'amakampuni (Local Content bill) ery'omubaka w'e Kassanda North, Patrick Nsamba.

Amalala agali mu bubaga kuliko;

- Ery'ebyemizannyo ery'omubaka wa Budiope East, Moses Magogo
- Ery'ebyobuyambi mu byamateeka (The National Legal Aid bill (Silas Aogon / Kumi munisipaali).
- N'erikwata ku nkozesa embi eya kompyuta (The Computer Misuse amendment bill, 2022) erya Muhammad Nsereko/ Kampala Central).

Minisitule y'ebyenjigiirza eri mu nteeseganya ne Magogo akkirize bedize ebbago lye, lye yaleeta era nga y'ensonga lwaki baagaana okumuwa ebbago lye.

Omubaka w'e Igara East, Michael Mawanda, yagambye nga bw'ayagala ky'ensonga lwaki baagaana okumuwa ebbago lye lyisiddwa.

Ekyokubiri emirimu gyaganga ogya Paalamenti gitandikira mu gavumenti era ssinga ekwata mpola ensonga, n'emirimu gya Paalamenti gisembula kasoobo.

Emirundi mingi ebbago lyaliko Dalanyah n'eyamuddira mu bigere Among bazze basaba gavumenti ebangayire emirimu ng'ereeta amateeka ababaka bagakoleko.

ETTEEKA KU KUWANDOISA ABAKUBI BA PULAAMI, 2021

Na April wa 2022, Paalamenti yayisa eteeteka ly'okuwandiisa abakubi ba pulaami (Physical Planners Registration bill) erissaawo olukiiko olufuga n'okuwandiisa abakubi ba pulaami n'abavunaanyizibwa okutegekera ebibuga. Minisita w'ebyettaka, Judith Nabakooba bwe yali ayogera ku teeteka lino yategeeza nti, gavumenti efaayo nnyo ku byentegeka n'enkulaakulana y'ebitundu kuba bwe kitakolebwa kireetawo omugotteko.

Okutuusa ku bwefuddemu ekibonerezo kya mitwalo 96 kyokka Paalamenti n'ezirinnyisa okutuuka ku bukadde bubiri.

ETTEEKA LY'OBUVUBI OKULUNDA N'OKULIMBA KU MAZZI, 2021

Nga May 4, Paalamenti yayisa eteeteka ly'obuvubi, okulundira n'okulimira ku mazzi (Fisheries and Aquaculture bill), erirunbirirwa okuteereza ebyobuvubi.

Eteeteka lirunnyamya eby'okuvuba n'okulunda ebyennyanja bwe birina okukwatibwa. Kino kiri mu kkampu gw'obuvubi bagendaka kuweebwa layisinsi ezitabkiriza kuavuba.

Eteeteka ligezaako okumalaawo okusoomoozebwa n'ensonga endala ezaali tezaaleeserwawo mu nteeka ekkadde.

Omuwandiisi wa kkampuni ya Vinci Coffee Company Ltd, Moses Matovu (wakati) ng'ali ne banamateeka ba kkampuni eno bwe baali balabiseeko mu kakiiko ka Paalamenti ak'Ebyobusuubuzi, ebyobulambuzi n'amakolero, ku by'endagaano eyali ewa kkampuni eno obuyiza okugula emmwanyi ng tewali agivuganya.

mu ggwanga (UCDA), okusuuza emmwaanyi n'okuzirunda ebveyo w'eggwanga. Kkampuni zino okusinza ku kakiiko, zaatwala emmwaanyi ensawo obukadde 649 zza kkiro 60 mu mwaka gwa 2019/2020.

Wabula endagaano yali kkam-puni eno egenda kurigoba mu mulimu kubanga yali ewa kkampuni ya Vinci obuyinza okugula emmwaanyi nga tewali mulala agivuganya era ng'ekugira gavumenti okuwa kkampuni endala layisinsi okutunda emmwaanyi ebweru.

Ku lunaku lwe lumu, Paalamenti yayisa lipoot ey'akakiiko ak'enjawulo akaateekebwawo Paalamenti okumoonyereza ku Minisita Monica Musenero ku bigambiba nti, yakozesa bubi ssente zisaasaanyizibwa okuzimba eddagala ergirema obulwadde bwa Ssennyiga omukambe (COVID-19).

Akakiiko kaasemba Minisita Musenero adde ebbali ya bw'amoonyereza ku Alisoliso wa gavumenti ofw'okuozesa obulri ssente ezaamuweebwa okukola eddagala ergema Ssenyiga omukambwe.

Paalamenti okutuuka okumoonyereza ku nsonga zino, kyaddirira Omubaka Yona Musinguzi (munisipaali ya Kyotera) okuleeta ebbago mu Paalamenti ng'asaba Musenero anoonyereze bwe, ng'aganda okuddamu ku ebusobi ssente ezaamuweebwa ng'ayita mu kitongole kya Presidential Scientific Initiative on Epidemics (PRESIDE).

Mu lipoot, akakiiko kaazuula nti, waliwo okukozesa obusobi ssente ekyaleetereddwa mu kkampuni ezibaddewo ezitaliiko kyazimbye ku ttaka lya gavumenti e Nakawa-Naguru, omuli okuleeta amateeka aganaamalawo akavuyo wakati w'akakiiko k'ettaka ne Minisitule y'ebyettaka, akakiiko k'ettaka okuteekawo etterekero ly'ebyapa n'ebikwata ku ttaka kiyambe ebyapa obutabulankanga, okwongera ku muwendo gw'Abakozi mu kakiiko k'ettaka, n'okulonda bakaminsona b'akakiiko k'ettaka nga baline obukugu n'obumanyirivu mu by'ettaka.

ABED BWANIKA

MATIA KASAJJA

DR MONICA MUSENERO

Ababaka bayisizza amateeka agasoba mu 7 mu May

BIVUDDE KU P13

Akakiiko ka Paalamenti ak'ebyensimbi kaawa amagezi nti, mu byenfuna ng'ebya Uganda ebirwana okuva mu ddubi lya COVID-19, enkola nga zino ezinaavaako emmotoka okufuuka e'obuseere ennyo, zisaana kusooka kusuula mu kasero zizzibwe ng'ebyenfuna bimaze okuddia engulu.

Paalamenti yasalawo nti, ebirowoozo naga kino bisaana okuddamu okulowoozebwako mu mbaliriira y'omwaka gw'ebyensimbi ega 2023/2024 mu ngeri ey'emitendera. Era kikalu okukimanya nti, Gavumenti ng'eyita mu minisita Musasizi, yasuula ennongoosereza mu mateeka okuli era ya Finance (Amendment) Bill ne Uganda Revenue Authority (URA) (Amendment) Bill okuwa omwaganaanya okwongera okwebuuza n'okukola okunoonyereza.

Mu lya URA, Gavumenti yall eyagala kuwa abaliira URA obuyinza okuloonda abamu ku bakozi abakola emirimu gy'ekikugu, ate mu lya Finance Amendment Bill, Gavumenti yall eyagala kukola nnongoosereza mu nkunyaanya y'omusolo gwa Non Tax Revenue (NTR).

Lyo eteeteka lya URA Amendment Bill, ne mu kasera nga Minisita tannaba kuliggyayo, akakiiko kaali kaaligoba dda, nga kagamba nti, ennongoosereza ng'eno tertina kujjira mu nnongoosereza za misolo, wabula yall erina kujjira mu kukola ennongoosereza okwa bulijo ng'eyita mu kukyusa amateeka agatali ku misolo.

Amakolero agakola omwenge ogutali gwa maanyi mu mbaliriira ya 2022/2023 ng'a ga kunyigirizibwa nnyo na misolo olw'okwagala okutumbula amakolero ga wano agakola omwenge.

Oluvannyuma lw'okuyisa ennongoosereza mu teeka lwa byamagyeri ebikolerwa wano erya Excise Duty (Amendment) Bill, 2022, okwalowo nga May 18, ababaka omwenge aba wano, okuva nga July 1, basaasanyizibwa omusolo gwa bitundu 12 ku 100 oba 150/- ku buli lita ya bbaadde basaasa.

Ebimu ku byokulabirako by'omwenge ogw'ekika kino mulimu: Chibuku, ogwali gukolebwa wano nga gukolebwa kkampuni ya Nile Breweries Limited okutuusa mu 2018.

Ssentebe w'akakiiko k'ebyensimbi, Dr. Keefa Kiwanuka ng'ayogera ku ebyensimbi ebyakuwa Paalamenti ebbaluwa ya Sipiika Among kaasaba abaali balondedwa basuubize bwe bagenda okuleeta enjawulo mu mirimu egyali gibawereddwa, bwe baali tebannakakasibwa.

Amyuka minisita w'ebyensimbi avunaanyizibwa ku guno na guli, Henry Musasizi, ng'ali mu kakiiko akavunaanyizibwa ku nsonga za bajeti.

EMBALIRIRA Y'OMWAKA EYA 2022/2023

Entikko y'omwaka ogusooka ogwa Paalamenti era 11 eyalwo nga May 20, nga ng'omu ku ebyo Paalamenti kye yayisa n'ebyensimbi ogutuja bajeti ey'omwaka gw'ebyensimbi ogutuja era 2022/2023 nga ya buratabiba bwa Uganda 48.1 emanidde okukulaakulana ey'omuggundu mu Uganda. Gavumenti ng'eri wamu ne Paalamenti, wasaliira okwongeza ku ssente era Parish Development Model ne zituuka ku bbiriyooni 1,050 okuva ku zaali zaaweebwa, bbiriyooni 465. Enkola eno eya Parish Development Model y'etunulisiddwa ng'omumuli mu kukulaakulanya bannansi mu bajeti ya 2022/2023.

Kiwanuka, yategeeza Paalamenti nti, ekiteeso kiriwo kyakyambibwa okuva mu damu okuggulawo kkampuni ezaali zaggalawo olw'omusolo omungi.

Mu mbaliriira ey'omwaka 2020/2021, kkampuni ezi'engeri eno zaali zisasula omusolo gwa bitundu 30 ku 100 oba 650/- ku buli lita ya mwenge.

Musasizi yannyonnyola Paalamenti nti, Kabineeti yasalawo obulateeka misolo mirpya eby'omusolo okuva ku ebyo okwagala okuzza engulu ebyenfuna bya Uganda ebyakosebwa omu ekirwaddde kya COVID-19.

Okusinziira ku biwandiiko ebiva mu ofiisi ya minisitule y'ebyensimbi, Gavumenti esutubira okukuunyaanya omusolo gwa bbaadde bwe Uganda 25.5 mu mwaka gw'ebyensimbi ogutandikira ogwa 2022/2025.

EMBALIRIRA EY'ENNYONGERERA 3 ZAYISIBWA

Kikulu okukimanya nti, nga May 17, Paalamenti yayisa embaliriira ey'ennyongereza kifaanyari ekiraga nti, olukiiko lwa Kabineeti terukozesa bulungi ssente ziruwebwa.

Sipiika n'ababaka abamu erako baasaba ministule y'ebyensimbi okukakasa nga tewaddamu okwekolera ssente mu mbuu mu maaya eginaddako.

Enkyukakyuuka zaatandikira ku kulonda Jacob Oulanyah (Omoro) ku Bwaspiijika ne Annet Anita Among (mukazi : Bukedea) ku bumyuuka bwa Sipiika nga May 24, 2021.

Akakiiko akasunsula nga kakuliriwa omulamuzi Sipiika Among kaasaba abaali balondedwa basuubize bwe bagenda okuleeta enjawulo mu mirimu egyali gibawereddwa, bwe baali tebannakakasibwa.

Omulimu omukulu Paalamenti gwe yatandikirako gwa kusunsula bbinisaana okuddamu okulowoozebwako mu mbaliriira y'omwaka gw'ebyensimbi ega 2023/2024 mu ngeri ey'emitendera. Era kikalu okukimanya nti, Gavumenti ng'eyita mu minisita Musasizi, yasuula ennongoosereza mu mateeka okuli era ya Finance (Amendment) Bill okuwa omwaganaanya okwongera okwebuuza n'okukola okunoonyereza.

Mu lya URA, Gavumenti yall eyagala kuwa abaliira URA obuyinza okuloonda abamu ku bakozi abakola emirimu gy'ekikugu, ate mu lya Finance Amendment Bill, Gavumenti yall eyagala kukola nnongoosereza mu nkunyaanya y'omusolo gwa Non Tax Revenue (NTR).

Lyo eteeteka lya URA Amendment Bill, ne mu kasera nga Minisita tannaba kuliggyayo, akakiiko kaali kaaligoba dda, nga kagamba nti, ennongoosereza ng'eno tertina kujjira mu nnongoosereza za misolo, wabula yall erina kujjira mu kukola ennongoosereza okwa bulijo ng'eyita mu kukyusa amateeka agatali ku misolo.

Amakolero agakola omwenge ogutali gwa maanyi mu mbaliriira ya 2022/2023 ng'a ga kunyigirizibwa nnyo na misolo olw'okwagala okutumbula amakolero ga wano agakola omwenge.

Oluvannyuma lw'okuyisa ennongoosereza mu teeka lwa byamagyeri ebikolerwa wano erya Excise Duty (Amendment) Bill, 2022, okwalowo nga May 18, ababaka omwenge aba wano, okuva nga July 1, basaasanyizibwa omusolo gwa bitundu 12 ku 100 oba 150/- ku buli lita ya mwenge gye bafuumya okwawukanako n'ebitundu 20 ku 100 oba 250/- ku buli lita ya bbaadde basaasa.

Ebimu ku byokulabirako by'omwenge ogw'ekika kino mulimu: Chibuku, ogwali gukolebwa wano nga gukolebwa kkampuni ya Nile Breweries Limited okutuusa mu 2018.

Ssentebe w'akakiiko k'ebyensimbi, Dr. Keefa Kiwanuka ng'ayogera ku ebyensimbi ebyakuwa Paalamenti ebbaluwa ya Sipiika Among kaasaba abaali balondedwa basuubize bwe bagenda okuleeta enjawulo mu mirimu egyali gibawereddwa, bwe baali tebannakakasibwa.

Mpuuga emirimu agitandikidde mu ggiya

Omukulembeze w'oludda oluvuganya gavumenti mu Paalamenti, Mathias Mpuuga emirimu yagitandikira mu ggiya bwe yayingiza ofiisi eno esinga ebunene mu palamenti ny'oluuyi oluvuganya.

Nga August 27, 2021, yayimiida emteekateeka kakobogo okudda ku'akulira oluvuganya ye bwali lugenda okugoberera nga kino kyali tekibangawo mu Palamenti ya Uganda Enteekateeka eno yatengeddwa eyali Sipiika, Jacob Oulanyah.

ENKYUKAKYUUKA MU BYOKULONDA

Ekyali ku mwanjo ku nteekateeka erinagobererwa oluuyi oluvuganya mwe muli okuteekawo amateeka agamaleeta enkyukakyuuka mu byokulonda okusobola okuyamba ebyokulonda egyesigika era abakwatibwako bonna gye bakkirizaamu.

Mpuuga yategeeza nti baali bakang'aanyiriza enkyukakyuka ekuliko Bannayuganda ze babaddenga basaba okkolebwe nga batandika ri'eno ezaggyibwa mu kwebuuza ku bantu bonna mu ggwanga, ebibina by'obwannakyewa, bannamikago ba Uganda, abakulembeze b'eddiini n'ebibina by'ebyobufuzi ng'ebyakuwaamu byasibwa mu kiwandiiko ekiyiibwa 2014 Citizens Compact .

Mpuuga, era nga ye mubaka we Nyendo/Mukungwe Division (Masaka City), yalaga obwetaavu bw'akakiiko k'ebyokulonda okwongezaayo, okulung'amya obuvvunaanyizibwa bw'ebitongole bw'ebyokwerinda mu byokulonda, okuzikiza ennongoosereza ezinaayongeddwa ku'ebiwandiiko ebiwuddwa mu kalulu, okuzzaawo okkomo ku bwanja lya Puleziidenti n'okukendeeza ku muwendo gw'ababaka ba Paalamenti.

Mu birala kwe kukendeeza ku mbaliriira z'emmyenera, okukugira abakulembeze abali mu kibina kiri mu byoluya okweyambisa bw'ebiri ku Gavumenti mu kalulu, okulonda abakulembeze b'ebitongole bw'eggwanga okuliko okuvuganya, okutekewo enfuga eya Ofiisi, okwongera Gavumenti n'ebitundu obuyinza, okuleta Bannayuganda abaleera okwetaba mu ebisabe omukisa okulonda.

Yalaga okunyolwa nti newankubadde ebiteeso biyi yali ayogerako ebigendererwa ebi okuteekeeko enkyuka mu byokulonda nnyo, okutekewo enfuga eya Ofiisi, okwongera Gavumenti n'ebitundu obuyinza, okuleta Bannayuganda abaleera okwetaba mu ebisabe omukisa okulonda.

Yalaga okunyolwa nti newankubadde ebitee